# Gavt. eweze ebika 9 eby'eddagala erifuuyira ebirime

## *Abantu kye bagamba*



Fazil Kebba : Eky'okuwera eddagala si kibi lwakuba sirabawo anaasobola kukirondoola. Kino kitukosa ffenna nga Bannayuganda kuba emmere gye tulya yaabulabe eri obulamu.



**Jessica Namanda: Banditandikidde ku kusomesa abalimi ne bategeera bulungi ebika by'eddagala eryo kuba tufa tuggwaawo olw'ebyo bye tulya eby'obulabe eri obulamu.**



Sharon Mwesigwa: Mukama yekka y'ajja okutukuuma kuba kati ebintu eby'obutwa bingi bye tukozesa nga tetumanyi. Teeberezaamu, okuba nga buli kirime kati kirina okufuuyirwa eddagala!

Bya JALIAT NAMUWAYA

GAVUMENTI eweze eddagala lya bika mwenda erifuuyira ebirime ery'obulabe ennyo eri obulamu bw'abantu.

Eddagala lino ligwa mu bika okuli; Cypermethrin, Atrazine, Butachlor, Dimethoate, Propanil n'ebirala.

Ate eddagala okuli ekika kya Imidacloprid, Carbendazim, Indoxacarb ne Profenofos lijja kusigala ku katale naye nga likozesebwa mu ngeri ey'okwegendereza ate si ku buli kirime.

Abakugu mu byobulimi ku yunivasite e Makerere nga bali wamu n'abakugu mu by'emmere okuva mu Seatini, basiimye Gavumenti olw'okuvaayo n'ekiragiro kino, nti kijjidde mu kiseera ekituufu kubanga emmere efuuyiddwa eddagala ery'obulabe erwazizza abantu endwadde enkambwe nga kookolo, abasajja okubulwa amaanyi g'ekisajja n'ebirala.

Omukugu mu by'omutindo gw'ettaka okuva e Makerere, Dr. Giregon Olupot yategeezezza nti, olutalo ku ddagala ery'obulabe terusaana kuzikiza n'agamba nti, ebika ebirala bingi ebikyali ku katale nga nabyo bisaanidde biwerebwe.



Abakugu mu by'emmere abaakulembeddwa Herbert Kafeero owa Seatini nga boogerako eri bannamawulire mu Kampala.

Yagambye nti, abakola eddagala batunuulira kwegaggawaza nga tebalumiriddwa bulamu bw'abantu.

Yanokoddeyo ebika by'eddagala nga Glyphosate, Mancozeb nti bisaanye okwegendereza nti era Gavumenti esaanidde eyongere ssente mu kunoonyereza, abakugu basobole okwongera omutindo mu kukola eddagala erifuuyira ebirime ery'obunnansi nga si lya bulabe eri obulamu bw'abantu.

Omumyuka w'akulira ekibiina kya SEATINI, Herbert Kafeero yannyonnyodde nti, amawanga agasinga gagenze geegobako eddagala ekika kino n'agamba nti, Gavumenti kye yakoze kituufu n'asaba ebiragiro biteekebwe mu nkola bireme kukoma mu bigambo. Yasabye abalimi bwe baba bagenze okugula eddagala, beegendereze baleme okugula eddagala eryawereddwa.